**13th March 2016.**

## OLULYO LWA SEEZI OLWATAMBULA NE MUKAMA.

## Lubereberye 5.

Mu kweyongerayo kwaffe kw'ensomesa z'entandikwa za byonna mu kitabo ky'entandikwa era eky'olubereberye, leero tusomesebwa mu ssuula ey'okutaano mwe tulabira olulyo lwa Adamu mu mutabani we Seezi, gwe twaaleka twanjuddwa mu ssuula 4:25,26 nti…..
Ekyatuleetera okwanjulwa ddala olulyo omwaali essuubi ly'okutuukirizibwa kw'ekisuubizo kya Mukama Katonda eri Kaawa mu ssuula 3:15, mwe balifunira obuwerero bw'okulokolebwa eri empeera y'ekibi kyaabwe ky'obujeemu eri Mukama nga bwe gwaali.
Tujja kweetegereza nti endagaano enkadde awamu n'empya zombie zitaandikwa n'enkalala z'amannya g'obuzaaliranwa bw'abo abaatuleetera okubaawo kw'Omulokozi waffe era Mukama waffe Masiya Yesu Kristo. Ekikakasa nti y'ensongerezo y'ebyawandiikibwa byonna mu Baibuli.
N'era nsaba tuweebwe okutegeera n'obugumiikiriza bw'ensoga y'enkalala z'obuzaaliranwa eziri mu byawandiikibwa nti nazo Mukama yaziteeramu nsonga so ssi tubonyaabonya kusoma mannya agatatugasiza ddala kumanya……
[*Tusome essuula…….*]

Okusooka tubuulirwa nti bino mu ssuula eno Musa yabiggya wantu we byaali biwandiikiddwa, ky'endowooza nti osanga ku bibumbe oba mayinja. Olwo wa waandiikira eri Isiraeli ebitabo bye bino ebitaano nga banaatera okuyingira mu nsi ensuubize naabibaggirayo babimanye bulungi era biwaandiikwe bulungi nkiwa ku mpande ze baakozesanga ebiro ebyo.

Mu kweetegereza, ebyawandiikibwa mu ssuula 4 ne 5 by'ekitabo ky'olubereberye, mwokka mwe tuweebwa obutereevu obulamu n'ensi nga bwe byaali ng'amataba tegannajja kuleetawo kukyuusibwa kw'ayo mu ngeri ya ssinziggu……
Bwe tubalaabala emyaaka egituweebwa mu lulyo olwo omugatte giri emyaaka 1656, ekiyamba mu kumanyisa obukadde bw'ensi kuba mu mazima obuzaaliranwa obulala awamu n'ebyaafaayo by'omu Baibuli bye biwa ekyenkanyi ky'emyaaka

6000 ensi gy’ebeereddewo so ssi  obusiriivu n’obusiriivu obutugambwa bannassayansi obutaliiko bukakafu.
Bya mazima nnyo kubanga amannya agatuweebwa ekkumi gaali ga basajja ne batabani baabwe abasooka awamu n’emyaaka gyaabwe egitaateeberezebwa buteeberezebwa; Adamu – Seezi – Enosi – Kenani – Makalaleri – Yaredi – Enoka – Mesuseera – Lameka – Nuuwa.
Ago ge mannya agasangwa ne mu By’omumirembe I 1:1 n’okweyongerayo… awamu ne mu Lukka 3:38. Ate ne Yuda 14 lugamba nti Enoka yaliwo mu mulembe ogw’omusanvu okuva ku Adamu….

Ekirala mukulaba nga Mesuseera yaluka emyaaka gya Adamu ne Nuuwa(200 egya Adamu awamu 600 egya Nuuwa) ate Nuuwa n’aba ne Seemu emyaka 400, ekiraga nti Ibulaiyimu yaliwo mu biro bya Seemu ate eyali jajja wa Yakobo, obukakafu bw’ebyawandiikibwa bwaalina obutereevu obwaleeterwa obuwangaazi obwo ng’okuwaandiika tekunnakakaatirwa mu bantu.

Kitulaga n’okweyongera kw’obungi bw’abantu mu biro ebyo, kubanga baawangaalanga nnyo n’olw’ekyo bazaalanga bangi ko okusinga kw’ebiro bino bye tulimu.

Eky’okusatu, kitulaga okufa okwaaleeterwa ekibi bwe kwaali okw’enkukunala eri buli omu azaalwa ku nsi nga Abaeb.9:27 bwe lugamba “Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango;”
Era wadde baakunukkiriza emyaaka 1000, naye era baafa nga Mukama Katonda bwe yali akakasizza. N’olw’ekyo ddala Sitaani yali mulimba okuva ku lubereberye nga Yesu Kristo bwe yagamba mu Yokaana.

Kyokka ate bitulaga obuwanguzi eri okufa okuleeterwa okukkiriza. Kye tulaba ku Enoka mu lnny. 21. Mu Baeb 11: 5 lugamba nti “olw'okukkiriza, Enoka yatwalibwa obutalaba kufa; n'atalabika kubanga Katonda yamutwala: kubanga bwe yali nga tannatwalibwa yategeezebwa okusumibwa Katonda:”
Ekituyigiriza nti okutambula ne Mukama kusibuka mu kukkiriza. (It’s started by faith). Ekirala kuyambwa naye tekukakasibwa buzaaliranwa. Ekirala kwaawula okuva mu bibiina era tekukyaaka mu nsi, tekukuleetera ttutumu mu bantu kusiimibwa, naye kukuleetera okusiimibwa Mukama.

Ekirala kwa nnakimu(personal), era ku kolwa ku bubwo wekka, ne kireeta entabagana gye nnandiyise enka ne Mukama (intimate relationship).
Bye tulaba ku musajja Enoka ataalaba kufa n’awa obujulirwa nga bwe tubuulirwa mu byawandiikibwa.

Mu kumaliriza bwe tulaba mu II Petero 3: ng’ayogera ku lunaku lwa Mukama agamba mu lnny. 8 -13……………. n’abuulirira mu lnny.17,18 nti…………..